# Ebigobererwa Bassentebe b'Ebyalo mu Bitundu Ebirimu Enteekateeka y'Ensimbi ez'Okuyamba Abakadde

## Ebyafaayo ku Nsimbi Eziweebwa Abantu Okwekulaakulanya n'Ensimbi Eziweebwa Abakadde

Obwavu mu Uganda bukendeeredde ddala okuva mu 1990, wabula Bannayuganda ebitundu nga 26% bakyali baavu lunkupe. Bannayuganda abalala bangi bakyalina obuzibu obukyayinza okubazzaayo mu bwavu. Abakadde be basinga okuba n'obuzibu buno olw'obunafu mu mibiri gyabwe, ensimbi ennyingi ezibeetaagisa okufuna obujjanjabi n'obuvunaanyizibwa obungi obw'okulabirira bamulekwa n'abaana abalala. Abakadde abasinga tebafuna nsimbi za bukadde ez'engeri yonna. Mu biseera eby'edda abakadde ab'engeri eno baabeerangawo ku nkola z'ekinnansi ez'okuyamba abantu. Wabula, enkola zino zigenda ziseebengerera olw'enkyukakyuka mu mbeera z'abantu, ebitundu okugenda nga bifuuka eby'ebibuga n'obwavu obwegiriisiza buli wamu. Olw'okugonjoola embeera eno, MGLSD ejja kugezesa Enteekateeka y'Ensimbi Eziweebwa Abakadde (Senior Citizen's Grant (SCG)) ng'eri wansi w'Enteekateeka ennene ey'Ensimbi Eziweebwa Abantu olw'Okwekulaakulanya (Social Assistance Grants for Empowerment (SAGE)), okukendeeza obwavu mu bakadde ne mu maka gaabwe n'okufuna obujulizi ku biva mu nkola z'ensimbi eziweebwa abantu.

## Ekifo kyo mu kussa Enteekateeka ya SAGE mu nkola

Enteekateeka ya SAGE eddukanyizibwa Minisitule y'Ekikula ky'Abantu, Emirimu n'Okukulaakulanya Embeera z'Abantu (MGLSD) ng'eyita mu bakulembeze ba gavumenti z'ebitundu. Ku mutendera gw'eggombolola, SAGE eddukanyizibwa Omukungu akola ku Nkulaakulana y'Ekitundu (CDO) mu ggombolola ng'ayita mu Beemiruka. Abeemiruka bajja kuyambibwako Obukiiko bw'Emiruka obw'Enkulaakulana ne Bassentebe b'Ebyalo. Ggwe nga Ssentebe w'Ekyalo ojja kuba ovunaanyizibwa ku:

- Okuyingiza SAGE mu mirimu gyo egya bulijjo
- Okukola ng'omukutu gw'empuliziganya wakati w'abantu b'ekitundu kyo n'Owoomuluka
- Okukunga abantu b'omu kitundu n'okuwuliziganya nabo
- Okukuuma n'okutumbula eddembe ly'abantu abangu b'okufuna obuzibu n'okuba omwesimbu buli budde.

## Omulimu gwo mu Kulonda Abanaaganyulwa

Enteekateeka ya SAGE ejja kubaamu okugezesa ebintu bya mirundi ebiri: Ensimbi Eziyamba Amaka Amangu g'Okufuna Obuzibu (Vulnerable Families Support Grant (VFSG)) n'Ensimbi Eziweebwa Abakadde (Senior Citizen's Grant (SCG)). Wabula ekitundu kyo kijja kuganyulwa mu nkola emu ku zino – ey'Ensimbi Eziweebwa Abakadde. Noolwekyo abantu bonna abaweza emyaka 65 nga babadde batuuze mu muluka gwo okumala waakiri emyezi mukaaga bajja kuganyulwa. Abanaaganyulwa bajja kulondebwa okusinziira ku biwandiiko bya gavumenti era bakakasibwe Olukiiko Olukulembera Ekyalo. Ggwe nga mmemba ku Kakiiko k'Omuluka ak'Enkulaakulana, ojja kuba ovunaanyizibwa ku:

- Kutuuza Enkiiko z'Abakulembeze b'Ekyalo okwekenneenya enkalala z'abanaaganyulwa
- Okulaba ng'abantu b'omu kitundu bategeera enteekateeka eno n'ensonga lwaki abantu abamu balondeddwa
- Okulaba ng'abantu bonna abazaalibwa n'abafa bawandiisibwa ew'Oweggombolola nga bayita ew'Owoomuluka.

## Omulimu gwo mu Kutuusa Ensimbi

Abanaaganyulwa mu SAGE bajja kusasulwanga UGX 22,000 buli mwezi. Ensimbi zino zijja kwongezebwanga buli mwaka olw'emiwendo gy'ebintu egigenda gyeyongera. Omuntu aganyulwa mu nteekateeka ya SAGE bw'anaabanga afudde, ab'omu maka ge bajja kufunanga UGX 88,000 okubasobozesa okuva obulungi mu nteekateeka eno. Abantu bajja kusasulwanga ng'ensimbi ziyisibwa mu ba-agenti ba MTN *MobileMoney* mu ggombolola eyo. Abaganyulwa bonna bakkirizibwa okubaako omuntu gwe balonda asobola okubaggyirayo ssente. Mu kusooka SAGE ejja kulondera aganyulwa omuntu asobola okumuggyirayo ssente naye oluvannyuma abaganyulwa bonna bajja kuba basobola okukyusa abantu abo bwe baba nga baagadde. Ggwe nga Ssentebe w'Ekyalo ojja kuba ovunaanyizibwa ku:

- Okulaba ng'abaganyulwa mu kitundu kyo bamanya omuwendo ogubasasulwa
- Okulaba ng'abaganyulwa bamanya ddi na wa gye balina okwewandiisiza ewa agenti wa MobileMonye
- Okulaba ng'abaganyulwa bammanya eddembe lyabwe
- Okulaba ng'abalondeddwa okuggyirayo abantu ssente bamanya obuvunaanyizibwa bwabwe
- Okukunga abantu mu kitundu okwewandiisa ku MTN *MobileMoney*

## Omulimu gwo mu Kugonjoola Okwemulugunya

Enteekateeka ya SAGE eruŋŋamizibwa Etteeka ly'Enteekateeka z'Okuyamba Abantu (Service Charter), erirambika eddembe ly'abaganyulwa – omuli n'okwemulugunya singa ebintu biba bisobye n'okwekubira enduulu singa omuntu awulira ng'alekeddwa ebweru mu bukyamu. Akola ku byensasula avunaanyizibwa ku kuwulira n'okukola ku kwemulugunya okukwata ku byensasula. Wabula, singa okwemulugunya kuno kuba tekugonjoddwa, kusobola okutwalibwa ew'Owoomuluka – oba okutwalibwa obutereevu ewa CDO w'eggombolola. Ba CDO b'amagombolola bavunaanyizibwa ku kuweereza okwemulugunya kwonna ku kitongole kya Disiulikiti ekya SAGE buli mwezi. Okwemulugunya kuno kujja kuwulirwa Olukiiko lw'Abakulembeze b'Ekyalo. Ggwe nga mmemba w'Akakiiko k'Omuluka ak'Enkulaakulana ojja kuba ovunaanyizibwa ku:

- Okusomesa abantu b'ekitundu ebikwata ku ddembe eriragibwa mu SAGE *Service Charter*
- Okutegeka enkiiko z'ekitundu buli myezi ng'esatu okusobozesa abantu b'ekitundu okuweereza okwemulugunya kwabwe eri Owoomuluka
- Okuweereza okwemulugunya kwonna kukolebweko olukiiko olukulembera ekyalo
- Okuwandiika ebiteeso by'enkiiko z'abakulembeze b'ekyalo
- Okujjuza *Foomu z'Okwemulugunya n'Ez'okusaba Okuyingira mu Nteekateeka* nga bwe kyetaagisa n'okuzitwala ew'Owoomuluka
- Okutegeeza abantu b'ekitundu ebisaliddwawo ku kwemulugunya

## Omulimu gwo mu Kulondoola Ebikolebwa

Okulondoola ebikolebwa mu SAGE kujja kukolebwa ku mitendera gyonna okusobola okulongoosa enteekateeka n'okumanya ebyo ebikola n'ebitakola. Ggwe nga Ssentebe w'Ekyalo ojja kuba ovunaanyizibwa:

- Okulaba ng'abantu b'omu kitundu bawaayo ebikwata ku baana abazaalibwa n'abantu abafa, mu budde n'okulaba ng'ebiwandiiko bikuumibwa bulungi.

## Omulimu gwo mu Kutendeka

Enteekateeka ya SAGE okusobola okussibwa obulungi mu nkola kijja kusinziira ku ntendeka ennungi ku mitendera gyonna. Ggwe nga mmemba w'Akakiiko k'Omuluka ak'Enkulaakulana, ojja kuba ovunaanyizibwa:

- Okuyamba ku Woomuluka mu kutendeka n'okusomesa abantu b'omu kitundu kyo.

## Omulimu gwo mu Byempuliziganya

Enkola y'Okuwa Abakadde Ensimbi mpya mu Uganda. Ng'oggyeeko ekyo, abantu abakadde bazibu okutuukako olw'okuba nga batera okuba nga tebamanyi kusoma na kuwandiika, batera kuba bakazi ate nga tebafiibwako ng'abantu abalala okutwaliza awamu. Kino kitegeeza nti balina nnyo obuzibu obw'obutafuna bubaka bukwata ku ddembe n'obuvunaanyizibwa bwabwe mu nteekateeka eno, obutamanya bulungi bigendererwa bya nteekateeka, era bayinza obutasobola kubaako bye boogera ebiyinza okuba eby'omugaso eri abaddukanya enteekateeka n'abayisa enkola. Noolwekyo abantu n'amaka amangu g'okufuna obuzibu galina okulowoozebwako mu ngeri ey'enjawulo mu kubatuusaako obubaka, emikutu gy'ebyempuliziganya egisobola okubatuukako mu lulimi lwe bategeera. Ggwe nga mmemba w'Akakiiko k'Omuluka ak'Enkulaakulana, ojja kuvunaanyizibwa ku:

- Okutambuza amawulire agakwata ku SAGE ng'okola emirimu gyo egya bulijjo nga mmemba w'Akakiiko k'Omuluka ak'Ebyenkulaakulana
- Okulaba ng'abantu abasinga okuba abangu b'okufuna obuzibu mu kitundu kyo bafuna obubaka obukwata ku nteekateeka eno era ne baba nga basobola okusalawo okusinziira ku bye bamanyi.
- Okulaba ng'abantu b'omu kitundu kyo bafuna obubaka buno obw'omugaso:
    1. Enteekateeka y'Ensimbi Eziweebwa Abakadde egendererwamu okuwanga abakadde ensimbi entonotono okubasobozesa okukola ku byetaago ebisookerwako mu bulamu
    2. SAGE egenderera okulaba nga gavumenti ekwasizaako abantu ku ddimu ly'okulabirira abaavu n'abangu b'okufuna obuzibu. Enkola eno tesikidde nkola za kinnansi
    3. Enteekateeka y'Ensimbi Eziweebwa Abakadde erimu okusiima omulimu ogukoleddwa abakadde bonna mu nkulaakulana ya Uganda era etuukiriza empisa y'ekinnansi ey'okussa ekitiibwa n'okuyamba abantu abakulu.
    4. Enteekateeka y'Ensimbi Eziweebwa Abakadde egendererwamu okwongera okusobozesa abakadde n'ab'omu maka gaabwe okufuna obujjanjabi n'ebyenjigiriza mu bitundu byabwe.
    5. Mu *Bonna Bagaggawale*: SAGE egenderera okuwa omukisa abo ababadde balekeddwa ebweru mu byenkulaakulana ya Uganda mu biseera eby'emabegako. Eno y'emu ku ngeri kino gye kisobola okutuukibwako ku bantu abakaddiye.
    6. Okuwa abantu ssente tekireeta bunafu mu bantu wabula kigendererwamu okubasobozesa okwetandikirawo eby'okukola. Gavumenti ekkiriza nti n'abantu abakaddiye basobola okubaako bye bakola singa baba bafunye obuwagizi.